BAMULYA ASOOKA

Posted by omumbejja - 2008/04/10 19:14

Bamulya asooka by Sssebatta

Bannange eliyo ava mu Gwanga lino atutangaaze kuba okusinziira mubye tuyiseemu namawanga amalala agatwaala nti omwaana aba mwana nga abazadde bombi ba gwanga limu era kyewava nga wesanga nti abaana abazaliddwa Abaganda namawanga amalala kasita basala ensalo okuva e Buganda bafuna okusosolwa ngo jjeeko nti amawanga amalala gakirina nga teeka nti oyinza okuzaala mu gwanga eddala naye oteekwa okuba nomukyaala mu gwanga lyo . Nze kino nkiraba nga kugema kuba mukyaala ki akkiriza omwanawe okubwebwenwa? kati oli nga tulawo nga kyanga chanisi ne ssezalawe kati bwafuna olubuto ngabamugamba batya? ye omwana aba amuyita atya oyo bba we oba mutabani we? oba ssezaala amala kwesabika ka kalimpitawa? ye bwakazira nga bamugamba nti oyo omwaana wakujimusa nnimiro kati wano omugezi ngo saako kakokola tondeka mabega oluusi ebikolwa bimala okusaamu abantu amagezi nebamanya ekyokkola

==========

Re:BAMULYA ASOOKA

Posted by Meli - 2008/04/10 22:26

---

http://www.youtube.com/watch?v=O-OT6l0LghM

Naye bwebaba nga ddala babalya bakyaawa abagwiira kale. Kubanga ani azaala ate asooka yenyini owokuwema? Ate nowo musajja omugwira bamulya nowomukazi mbu. Kati Ssezaala bwachanga chanise newajjawo omwana omulala nga ate naye aleeta kitaawe oba sse ekyo nga nooyo bamukola eddiizi. Naye bayinza okumulya noddayo nofumba oba nogenda mu maaso namaka? Bwebakakutema nti nowokusaatu nowookutano bonna tubalya? Naye omukyala oyo lwaki munne teyamulabulirawo? Kubanga alina engeri gyeyekubagiza, mbu kabamulye sirina kya kukola!! Anyway lwo oluyimba luli funny.

==========

Re:BAMULYA ASOOKA

Posted by Kalibattanya - 2008/04/13 12:18

Nze ekyansesa Sebatta kwekugamba nti, "Oba omwana bamulya, bamulye nze sijja kuchanga chanise." Hihihihi

Mbu tukooye nawano abagwenyufu! Bannange abantu baali bakajja nga bava lugendo. Omwana gwosaasira baaba, ggwe ate obulamu bwe kati buyimiridde ku chanise!!

==========

Re:BAMULYA ASOOKA

Posted by omumbejja - 2008/04/14 03:48

Naye katuddeko emabega katono Ssebatta bali bamuwa kijujulu ate kyo kyaali tekifudeeyo kulaba makudde ge ngeera kyetegefu okuchanga chanisi kati wano akabi kali tekanajja kuba singa bali bagenda kuchanga chanisi awo mulujjudde awo ogamba nti osanga yali tayagala chanisi amwanike ,naye ate laba ekisa kyo mutabani bwamwegayirira nti wakiri lwalumu lwokka. Nze ekyo ekisa ekitiriika mbadde naludde okukisanga oba naye yali atakiriza mwana lwaaki teyasabamu nyazalawe ye gwaaba achanga naye chanisi ? okwo sikwekukwaata omukono gwa munno nogukubisa omulabe wo ate gwe nodduka . E kirala buno obulombo lombo bwaawa obwagala okumala okuloza kukika kyonna :unsure:

==========